# Amaanyi Ga Katonda




Byakuŋŋaanyizibwa
Watson Goodman


Ka Bwereere —
Tekatundibwa

# Amaanyi ga Katonda

Kiyinzika kitya omuntu mu butono bwe, akoma era n'aggwaawo, okunyonnnyola amaanyi g'omutonzi waffe, oba obusobozi mu bintu byonna obwa Katonda waffe atakoma? Tekiyinzika kukoleka mu butuufu, kubanga Katonda ajjudde amaanyi n'obukulu n'obunene era ebirowoozo byaffe ebitono nga biweddeyo tebiyinza, kukiyingiza kyonna.

Naye Katonda yeeragira mu kitabo kye Baibuli, nga yeemalayo bulungi, ekimala okutuwa obwanjulukufu obunenne obw'ebirowoozo bya maanyi ge agakola ekintu kyonna omuntu kyalowooza nga tekiyinzika! Yatooda ensi yaffe n'agiteeka waggulu mu bbanga gy'ebeera emyaka enkumi nga terina kirala kyonna kw'eyimiridde wabula ku maanyi ge agagibeezaawo. Agenda ng'ajjuza ebyetaago byaffe eby'okunsi yadde nga waliwo aga Setaani era n'omuntu agazikiriza.

Kaakano ka tutunuulire mu kigambo kya Katonda ekikwata ku kweyolesa kwe okutuufu mu maanyi ge agatakoma.

—Watson Goodman (1920-2002)

Yeremiya 10:12

Yakola ensi olw'obuyinza bwe, yanyweza ebintu byonna olw'amagezi ge, era yabamba eggulu olw'okutegeera kwe.

Isaaya 40:18a, 22, 25, 26

Kale ani gwe mulifaananya Katonda? . . . Ye wuuyo atuula ku nsi enneekulungirivu, n'abagituulamu bali ng'amayanzi; atimba eggulu ng'eggigi, era alibamba ng'eweema ey'okutuulamu: . . . Kale ani gwe mulinfaananya nze okumwenkana? bw'ayogera Omutukuvu. Muyimuse amaaso gammwe waggulu mulabe eyatonda ebyo bw'ali, afulumya eggye lyabyo ng'omuwendo gwabyo bwe guli: byonna abituuma amannya; olw'obukulu bw'obuyinza bwe, era kubanga wa maanyi mu kuyinza, tewali na kimu ekibulako.

Yeremiya 32:17

Nti Ai Mukama Katonda! laba, watonda eggulu n'ensi n'obuyinza bwo obungi n'omukono gwo ogwagololwa; tewali kigambo kikulema.

Abebbulaniya 1:1a, 2

Katonda . . . mu nnaku zino ez'oluvannyuma Yayogerera naffe mu Mwana, gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, era gwe yatonza ebintu byonna.

# 2 Setaani Tayinza Kutonda Nsi N'agiwanika Mu Bwengula Bw'e Bbanga

Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda .... Ebintu byonna byakolebwa ku bw'oyo; era awataali ye tewaakolebwa kintu na kimu ekyakolebwa .... Omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza .... —Yokaana 1:1 ne 3; 10:10a

N'abagamba nti Nnalaba Setaani ng'avudde mu ggulu okugwa ng'okumyansa. —Lukka 10:18

Mutamiirukukenga, mutunulenga; omulabe wammwe Setaani atambulatambula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'anaalya. —1 Peetero 5:8

Kale bwe tuli ezzadde lya Katonda, tekitugwanira kulowoozanga nti Katonda afaanana zaabu oba ffeeza oba jjinja, ebyolebwa n'obukabakaba n'amagezi g'abantu.
—Ebikolwa By'abatume 17:29

... nange ssaagala mmwe kubeeranga abasseekimu ne balubaale. —1 Abakkolinso 10:20b

Awo Yesu n'ayogera nabo nate, n'agamba nti Nze musana gw'ensi: angoberera taatambulirenga mu kizikiza, naye anaabanga n'omusana ogw'obulamu.
—Yokaana 8:12

Katonda yayogera omulundi gumu, Mpulidde bwe ntyo emirundi ebiri; Nga Katonda ye nnannyini buyinza. —Zabbuli 62:11

Naye Katonda waffe ali mu ggulu: Akoze bye yayagala byonna. —Zabbuli 115:3

Weewaawo, omusana kasookedde gubaawo era nze nzuuyo; so tewali ayinza okuwonya mu mukono gwange . . . . —Isaaya 43:13a

1 Ebyomumirembe 29:11, 12a

Obukulu bubwo n'amaanyi n'ekitiibwa n'okuwangula n'okugulumizibwa: kubanga byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi (bibyo); obwakabaka bubwo, ai Mukama, era ogulumizibwa okuba omutwe gwa byonna. Obugagga era n'ekitiibwa biva gyoli, era ggwe ofuga bonna; era mu mukono gwo mwe muli obuyinza n'amaanyi; era mu mukono gwo mwe muli okukuza n'okuwa bonna amaanyi.

Ekyamateeka Olw'okubiri 3:24

Nti Ai Mukama Katonda, otanudde okulaga omuddu wo obukulu bwo n'omukono gwo ogw'amaanyi: kubanga katonda ki ali mu ggulu oba mu nsi ayinza okukola ng'emirimu gyo bwe giri era ng'ebikolwa byo eby'amaanyi bwe biri?

Lukka 1:37

Kubanga tewali kigambo ekiva eri Katonda kiribulwa maanyi.

# 4 Obukulu Bw'amaanyi G'obwa Katonda Agatakoma

Okuva 15:7
Era mu bukulu obw'okusinga kwo obasuula abakulumba: Otuma obusungu bwo, ne bubasiriiza ng'ebisasiro.

Zabbuli 147:5
Mukama waffe mukulu, era obuyinza bwe bwa maanyi; Okutegeera kwe tekulowoozekeka.

Zabbuli 106:8
Era naye n'abalokola olw'erinnya lye, Amanyise obuyinza bwe obungi.

Nekkemiya 9:6
Ggwe Mukama, ggwe wekka; ggwe wakola eggulu, eggulu erya waggulu, n'eggye lyalyo lyonna, ensi n'ebintu byonna ebiri okwo, ennyanja ne byonna ebiri omwo, era ggwe obikuuma byonna; n'eggye ery'omu ggulu likusinza.

Zabbuli 104:1
Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange. Ai Mukama Katonda wange, oli mukulu nnyo; Oyambadde ekitiibwa n'obukulu.

Zabbuli 145:2, 3
Buli lunaku naakwebazanga; Era naatenderezanga erinnya lyo emirembe n'emirembe. Mukama mukulu, era agwana okutenderezebwa ennyo N'obukulu bwe tebunoonyezeka.

Isaaya 26:4

Mwesigenga Mukama ennaku zonna: kubanga mu Mukama Yakuwa mwe muli olwazi alutaliggwaawo.

Zabbuli 90:2

Ensozi nga tezinnazaalibwa, era nga tonnabumba nsi n'ebintu, Okuva mu mirembe gyonna okutuusa mu mirembe gyonna, ggwe Katonda.

Yeremiya 10:10

Naye Mukama ye Katonda yennyini ow'amazima; oyo ye Katonda omulamu, era Kabaka ataggwaawo: ensi ekankana olw'obusungu bwe, so n'amawanga tegayinza kugumiikiriza kunyiiga kwe.

Okubikkulirwa 11:15b

...Ne wabaawo amaloboozi amanene mu ggulu, nga boogera nti Obwakabaka bw'ensi bufuuse bwa Mukama waffe, era bwa Kristo we: era anaafuganga emirembe n'emirembe.

### *Amaanyi ga Setaani ga Kuzikirizibwa*

Okubikkulirwa 20:10

N'omulyolyomi eyabalimbanga n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro n'ekibiriiti, era omuli ensolo ne nnabi ow'obulimba; era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe.

# 6 Amaanyi ga Katonda Ag'ewuunyizibwa Ku Nnyanja Emyufu

Okuva 14:21, 22, 26-28, 30, 31a

Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja; Mukama n'asindika ennyanja n'omuyaga ogw'amaanyi ogw'ebuvanjuba obudde okukya, ennyanja n'agifuula olukalu, amazzi ne geeyawulamu. Abaana ba Isiraeri ne bayingira wakati w'ennyanja ku lukalu: amazzi ne gababeerera ekisenge ku mukono ogwa ddyo ne ku gwa kkono . . . . Mukama n'agamba Musa nti Golola omukono gwo ku nnyanja, amazzi gadde ku Bamisiri, ku magaali gaabwe ne ku beebagazi baabwe. Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja, ennyanja n'edda mu maanyi gaayo nga bukedde; Abamisiri ne bagidduka; Mukama Abamisiri n'abakunkumulira wakati mu nnyanja. Amazzi ne gadda, ne gasaanikira amagaali, n'abeebagazi era n'eggye lya Falaawo lyonna abaayingira mu nnyanja ennyuma waabwe; tewaasigala n'omu mu bo. . . . Bw'atyo Mukama n'alokola Isiraeri ku lunaku luli mu mukono gw'Abamisiri; Isiraeri ne balaba Abamisiri nga bafudde ku mabbali g'ennyanja. Isiraeri ne balaba omulimu omunene Mukama gwe yakola . . . .

### *Yaliisa Abantu Kakadde Emyaka Makumi Ana (40)*

Okuva 16:12b-15a and 35a

. . . Obagambe, ng'oyogera nti Olweggulo munaalya ennyama, n'enkya munakkuta emmere; nammwe munaamanya nga nze Mukama Katonda wammwe. Awo olweggulo obugubi ne bulyoka bulinnya ne busaanikira olusiisira: enkya olufu ne lugwa ne lwetooloola olusiisira. Olufu olwagwa bwe lwaggwaako, laba, ne wabaawo kungulu w'eddungu akantu akatono akeekulungirivu, akatono ng'omusulo omukwafu oguba ku nsi. Abaana ba Isiraeri bwe baakiraba ne bagambagana bokka na bokka nti Kiki kino? . . . Abaana ba Isiraeri ne baliira manu emyaka amakumi ana, okutuusa lwe baatuuka mu nsi ey'abantu . . . .

### *Amazzi olw'Abantu Akakadde*

Okuva 17:6a

Laba nze naayimirira mu maaso go eyo ku lwazi ku Kolebu; naawe onookuba olwazi, amazzi ganaavaamu, abantu banywe.

### *Omugga Ogwanjadde Gwaziyizibwa*

Yoswa 3:17a

Bakabona abaasitula essanduuko ey'endagaano ya Mukama ne bayimirira ne banywera ku lukalu wakati mu Yoludaani, n'Abaisiraeri bonna ne bayita awakalu . . . .

Danyeri 3:21, 22 ne 27

Awo abasajja abo ne balyoka babasiba nga bambadde seruwale zaabwe, n'ebizibawo byabwe n'eminagiro gyabwe, n'engoye zaabwe endala, ne babasuula wakati mu kikoomi ekyaka n'omuliro. Awo kubanga kabaka yabakuutirira ddala, n'ekikoomi nga kyase nnyo, ennimi z'omuliro ne zitta abasajja abo abaakwata Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneego. . . . N'abaamasaza, n'abamyuka, n'abafuga, n'abakungu ba kabaka ne bakuŋŋaana ne balaba abasajja abo, ng'omuliro teguyinzizza mibiri gyabwe, so n'enviiri ez'oku mitwe gyabwe nga tezisiridde, so n'engoye zaabwe nga teziwaanyisibbwa, so n'olusu lw'omuliro nga terubabaddeeko.

Kabaka n'alyoka alagira, ne baleeta Danyeri, ne bamusuula mu mpuku ey'empologoma. Kabaka n'ayogera n'agamba Danyeri nti Katonda wo gw'oweerezanga bulijjo, oyo anaakuwonya. . . . Danyeri n'alyoka agamba kabaka nti Ai kabaka, obenga omulamu emirembe gyonna. Katonda wange yatumye malayika we, n'aziba emimwa gy'empologoma, ne zitankola bubi: kubanga mu maaso ge nalabika nga siriiko kabi: era ne mu maaso go, ai kabaka, sikolanga kabi. —Danyeri 6:16 ne 21, 22

Ekigambo kyange tekifaanana muliro? bw'ayogera Mukama; era tekifaanana nnyondo eyasaayasa olwazi? —Yeremiya 23:29

Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima. —Abaebbulaniya 4:12

Muweebwe ne sseppeewo ey'obulokovu, n'ekitala eky'Omwoyo, kye kigambo kya Katonda. —Abaefeso 6:17

Omuvubuka anaalongoosanga atya ekkubo lye? Nga yeegendereza ng'ekigambo kyo bwe kiri. —Zabbuli 119:9

Mmwe kaakano mumaze okuba abalongoofu olw'ekigambo kye mbagambye. —Yokaana 15:3b

Obatukuze mu mazima: ekigambo kyo ge mazima. —Yokaana 17:17

Nga mwolesa ekigambo eky'obulamu .... —Abafiripi 2:16a

Awo Yesu n'agamba Abayudaaya bali abaamukkiriza nti Bwe munywerera mu kigambo kyange, nga muli bayigirizwa bange ddala. —Yokaana 8:31

Abakkolosaayi 2:9
Kubanga mu oyo mwe mutuula okutuukirira kwonna okw'Obwakatonda ng'omubiri bwe guli.

Matayo 1:23-25
Laba, omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, era alizaala omwana wa bulenzi, balimutuuma erinnya lye Emmanweri; eritgeezebwa nti Katonda ali naffe. Yusufu bwe yazuukuka mu tulo, . . . so teyamumanya okutuusa lwe yamala okuzaala omwana: n'amutuuma erinnya lye YESU.

Yokaana 5:17, 18
Naye Yesu n'abaddamu nti Kitange akola okutuusa kaakano, nange nkola. Awo Abayudaaya kyebaava beeyongera okusala amagezi okumutta kubanga tasobezza ssabbiiti yokka, era naye yayita Katonda kitaawe ye, nga yeefuula eyenkanankana ne Katonda.

### *Omusaayi Gwa Kristo Gwe Musaayi Gwa Katonda*

Ebikolwa By'abatume 20:28
Mwekuumenga mmwe mwekka n'ekisibo kyonna Omwoyo Omutukuvu mwe yabateeka mmwe okuba abalabirizi, okulundanga ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n'omusaayi gwe yennyini.

Okubikkulirwa 1:5a ne 8

Era ebiva eri Yesu Kristo .... Nze ndi Alufa ne Omega, bw'ayogera Mukama Katonda, abaawo era eyabaawo era ajja okubaawo, Omuyinza w'ebintu byonna.

Abakkolosaayi 1:13-16

Eyatulokola mu buyinza obw'ekizikiza, n'atutwala mu bwakabaka obw'Omwana we omwagalwa; mwe tubeerera n'okununulwa, kwe kusonyiyibwa kw'ebibi byaffe: oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika, omubereberye ow'ebitonde byonna; kubanga mu oyo ebintu byonna mwe byatonderwa, mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika, oba nga ntebe za bwakabaka, oba bwami, oba kufuga, oba masaza; ebintu byonna byatondebwa ye, era ne ku lulwe.

1 Timoseewo 6:14-16

Weekuumenga ekiragiro awatali bbala, awatali kya kunenyezebwa, okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo: kw'aliraga mu ntuuko zaakwo Nannyini buyinza yekka atenderezebwa, Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami; alina obutafa yekka ... aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo. Amiina.

Yokaana 12:45

Era alaba nze ng'alabye oli eyantuma.

Oyo bw'ali okumasamasa kw'ekitiibwa kye n'ekifaananyi kye ddala bw'ali, era bw'asitula ebintu byonna n'ekigambo eky'obuyinza bwe, bwe yamala okukola eky'okunaaza ebibi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogw'Obukulu waggulu. —Abaebbulaniya 1:3

Abaefeso 1:19-22a

Era obukulu obusinga ennyo obw'amaanyi ge eri ffe abakkiriza bwe buli, ng'obuyinza bw'amaanyi ge bwe bukola, ge yakoza mu Kristo, bwe yamuzuukiza mu bafu, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo mu bifo eby'omu ggulu, waggulu nnyo okusinga okufuga kwonna n'obuyinza n'amaanyi n'obwami na buli linnya eryatulwa si mu mirembe gino gyokka naye ne mu egyo egigenda okujja: n'ateeka byonna wansi w'ebigere bye . . . .

Yokaana 10:30 ne 38

Nze ne Kitange tuli omu. . . . Naye bwe ngikola, newakubadde nga temunzikiririza nze, naye mukkirize emirimu: mumanye mutegeere nga Kitange ali mu nze nange mu Kitange.

Era yamuwa obuyinza okusala omusango, kubanga ye Mwana w'omuntu. —Yokaana 5:27

### *Ayinza Byonna Mu Bwa Katonda*

1 Yokaana 5:7

Era Omwoyo yategeeza, kubanga Omwoyo ge mazima.

Ebikolwa By'abatume 5:3-5

Naye Peetero n'agamba nti Ananiya, Setaani akujjulizza ki omutima gwo okulimba Omwoyo Omutukuvu, ne weeterekerako ku muwendo gw'ennimiro? Bwe yali eyo, teyali yiyo? Era bwe yamala okutundibwa, teyali mu buyinza bwo? Kiki ekikuteesezza mu mutima okukola bw'oti? Tolimbye bantu, naye Katonda. Ananiya bwe yawulira ebigambo ebyo, n'agwa n'atondoka. Entiisa nnyingi n'ekwata bonna abaawulira ebyo.

### *Ajjula Abakkiriza, Abawa Obuvumu*

Ebikolwa By'abatume 4:31

Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.

### *Ayinzisa Okwagala Kwa Katonda Okukola*

Abaruumi 5:5

Nate okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, ku bw'Omwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa.

Abaebbulaniya 7:25
Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolerezanga.

Yuda 24
Naye oyo ayinza okubakuuma obuteesittala, n'okubayimiriza mu maaso g'ekitiibwa kye nga temuliiko bulema mu kujaguza.

2 Abakkolinso 9:8
Era Katonda ayinza okwaza ekisa kyonna gye muli; mmwe nga mulina ebibamala byonna ennaku zoona mu bigambo byonna mulyoke musukkirirenga mu bikolwa byonna ebirungi.

2 Timoseewo 1:12b
... Kubanga mmanyi gwe nnakkiriza, ne ntegeerera ddala ng'ayinza okukuumanga kye nnamuteresa okutuusa ku lunaku luli.

Lukka 3:8b
... Katonda ayinza amayinja gano okugafuuliranga Ibulayimu abaana.

Abaruumi 4:16c ne 20, 21
Ibulayimu ... naye mu kusuubiza kwa Katonda teyabuusabuusa mu butakkiriza, naye n'afuna amaanyi olw'okukkiriza, ng'agulumiza Katonda, era ng'ategeerera ddala nga bye yasuubiza era ayinza n'okubikola.

Abafiripi 3:21b

. . . Ng'okukola okwo bwe kuli okumuyinzisa n'okussa ebintu byonna wansi we.

Danyeri 3:17 ne 26a, 27

Bwe kinaaba bwe kityo, Katonda waffe gwe tuweereza ayinza okutuwonya mu kikoomi ekyaka n'omuliro: era anaatuwonya mu mukono gwo, ai kabaka. . . . Nebukadduneeza n'alyoka asembera ku mulyango gw'ekikoomi ekyaka n'omuliro: n'ayogera nti Saddulaaki, Mesaki, ne Abeduneego, mmwe abaddu ba Katonda ali waggulu ennyo, mufulume mujje wano. . . . N'abaamasaza, n'abamyuka, n'abafuga, n'abakungu ba kabaka ne bakuŋŋaana ne balaba abasajja abo, ng'omuliro teguyinzizza mibiri gyabwe, so n'eviiri ez'oku mitwe gyabwe nga tezisridde, so n'engoye zaabwe nga teziwaanyisibbwa, so n'olusu lw'omuliro nga terubabaddeeko.

Abaebbulaniya 2:18

Kubanga olw'okubonyaabonyezebwa ye yennyini ng'akemebwa, kyava ayinza okubayamba abo abakemebwa.

*Awangula Okufa*

Abaebbulaniya 11:19a

Bwe yalowooza nga Katonda ayinza okumuzuukiza, era n'okuva mu bafu . . . .

2 Timoseewo 3:15

Era ng'okuva mu buto wamanyanga ebyawandiikibwa ebitukuvu ebiyinza okukugeziwaza okuyingira mu bulokovu olw'okukkiriza okuli mu Kristo Yesu.

Abaruumi 14:4

Ggwe ani asalira omusango omuweereza wa beene? eri mukama we yekka ayimirira oba agwa. Naye aliyimirira; kubanga Mukama waffe ayinza okumuyimiriza.

Abaefeso 3:20, 21

Kale oyo ayinza okukola ennyo okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza, ng'amaanyi bwe gali agakolera mu ffe, aweebwenga ekitiibwa mu kkanisa ne mu Kristo Yesu okutuusa emirembe n'emirembe egitaggwaawo. Amiina.

Era ne kaakano mbasigira Katonda n'ekigambo eky'ekisa kye ekiyinza okuzimba n'okugaba obusika mu abo bonna abatukuzibwa.
—Ebikolwa By'abatume 20:32

Kale njogera nti Katonda yagoba abantu be? Kitalo. Kubanga era nange ndi Muisiraeri, wa mu zzadde lya Ibulayimu, wa mu kika kya Benyamini. . . . Era nabo, bwe bataabeererenga mu butakkiriza bwabwe balisimbwawo: kubanga Katonda ayinza okubasimbawo nate. —Abaruumi 11:1 ne 23

Zabbuli 130:3, 4

Mukama, bw'onoobalanga ebitali bya butuukirivu, Ai Mukama, aliyimirira aluwa? Naye waliwo okusonyiwa w'oli, Olyoke otiibwenga.

2 Ebyomumirembe 7:14

Abantu bange abatuumiddwa erinnya lyange bwe baneetoowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe.

Makko 2:9-12a

Ekyangu kiruwa, okugamba akoozimbye nti Ebibi byo bikuggiddwako; nantiki okugamba nti Golokoka, weetikke ekitanda kyo, ogende? Naye mumanye nga Omwana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi (n'agamba akoozimbye nti) Nkugamba, Golokoka, weetikke ekitanda kyo, oddeyo mu nnyumba yo. Amangwago n'agolokoka ne yeetikka ekitanda, n'afuluma nga bonna balaba; awo ne beewuunya bonna ne bagulumiza Katonda nga . . . .

Na buli muntu ayogera ekigambo ku Mwana w'omuntu kirimusonyiyibwa: naye oyo avvoola Omwoyo Omutukuvu talisonyiyibwa. —Lukka 12:10

2 Abakkolinso 5:17

Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.

Yokaana 11:26

Na buli muntu mulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. Okkiriza ekyo?

Abaebbulaniya 5:9

Awo bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka ensonga y'obulokozi obutaggwaawo eri abo bonna abamuwulira.

Ng'ekibi bwe kyafugira mu kufa, era n'ekisa bwe kityo kiryoke kifuge olw'obutuukirivu okuweesa obulamu obutaggwaawo, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe. —Abarumi 5:21

2 Timoseewo 1:10

Naye kirabisibwa kaakano olw'okwolesebwa kw'Omulokozi waffe Kristo Yesu, eyaggyawo okufa n'amulisa obulamu n'obutazikirira olw'enjiri.

2 Abakkolinso 4:11

Kubanga ffe abalamu tuweebwayo ennaku zonna eri okufa okutulanga Yesu, era n'obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwenga mu mubiri gwaffe ogufa.

Omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo obungi. —Yokaana 10:10

Lukka 5:17

Awo olwatuuka ku lunaku lumu mu ezo, yali ng'ayigiriza; n'Abafalisaayo n'abayigiriza b'amateeka baali batudde awo, abaali bavudde mu buli kibuga eky'e Ggaliraaya, n'e Buyudaaya n'e Yerusaalemi: n'amaanyi ga Mukama gaali naye okuwonya.

N'omukazi eyali alwalidde ekikulukuto ky'omusaayi emyaka kkumi n'ebiri, eyawanga abasawo ebintu bye byonna n'atayinza kuwonyezebwa muntu yenna, oyo n'amufuluma emabega n'akoma ku lukugiro lw'olugoye lwe: amangwago ekikulukuto kye ne kikalira. —Lukka 8:43, 44

Makko 6:56

Ne buli gye yagendanga, mu mbuga, oba mu bibuga, oba mu byalo, bassanga abalwadde mu butale, ne bamwegayirira bakomeko bukomi ku lukugiro lw'olugoye lwe: n'abo abaamukomangako ne bawona.

Matayo 8:16, 17

Obudde bwali buwungedde, ne bamuleetera bangi abakwatiddwa dayimooni: n'agoba dayimooni n'ekigambo n'awonya bonna abaali balwadde: ekigambo kituukirire ekyayogerwa nnabbi Isaaya, ng'agamba nti Ye yennyini yatwala obunafu bwaffe, ne yeetikka endwadde zaffe.

Matayo 8:3

N'agolola omukono, n'amukwatako, ng'agamba nti Njagala; longooka. Amangwago ebigenge bye ne birongooka.

Lukka 13:13

N'amussaako emikono, amangu ago n'aba mugolokofu, n'atendereza Katonda.

Lukka 7:21

Awo mu kiseera ekyo n'awonya bangi endwadde n'okubonaabona ne dayimooni, n'abazibe b'amaaso bangi n'abawa okulaba.

Lukka 17:12 ne 14

Awo bwe yayingira mu mbuga emu ne bamusisinkana abantu kkumi abagenge, abaayimirira ewala; . . . Bwe yabalaba n'abagamba nti Mugende mwerage eri bakabona. Awo olwatuuka bwe baali nga bagenda ne balongoosebwa.

Matayo 8:14, 15

Yesu bwe yayingira mu nnyumba ya Peetero, n'alaba nnyina mukazi we ng'agalamidde alwadde omusujja. N'amukwata ku mukono, omusujja ne gumuwonako; n'agolokoka, n'amuweereza.

Lukka 22:50, 51

N'omu ku abo n'atema omuddu wa kabona asinga obukulu n'amusalako okutu kwe okwa ddyo. Naye Yesu n'addamu n'agamba nti koma ku ekyo kyokka. N'akoma ku kutu kwe n'amuwonya.

Bwe yatuuka mu nju, abazibe b'amaaso ne bajja gy'ali: Yesu n'abagamba nti Mukkirizza nga nnyinza okukola kino? ne bamugamba nti Weewaawo, Mukama waffe. N'alyoka akoma ku maaso gaabwe ng'agamba nti Nga bwe mukkirizza kibeere gye muli bwe kityo. Amaaso gaabwe ne gazibuka. . . . —Matayo 9:28-30a

N'alyoka agamba omuntu oyo nti Golola omukono gwo. N'agugolola; ne guwona, ne guba ng'ogw'okubiri. —Matayo 12:13

Bwe yayingira mu Kaperunawumu, omwami w'ekitongole Omuruumi n'ajja gy'ali, n'amwegayigira, ng'agamba nti Mukama wange, mulenzi wange agalamidde mu nnyumba akoozimbye, abonaabona kitalo. . . . Yesu n'agamba omwami w'ekitongole Omuruumi nti Kale genda; nga bw'okkirizza, kibeere gy'oli bwe kityo. Omulenzi n'awonera mu kiseera ekyo. —Matayo 8:5-6 ne 13

Ne wabaawo omuntu eyali n'endwadde nga yaakamala emyaka amakumi asatu mu munaana. . . . Yesu n'amugamba nti Golokoka, weetikke ekitanda kyo, otambule. Amangwago omuntu n'aba mulamu ne yeetikka ekitanda kye, n'atambula.
—Yokaana 5:5 ne 8, 9

Waliwo mu mmwe omuntu alwadde? ayitenga abakadde b'ekkanisa; bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta mu linnya lya Mukama waffe: n'okusaba kw'okukkiriza kulirokola omulwadde, ne Mukama waffe alimuyimusa: era oba nga yakola ebibi birimuggibwako. —Yakobo 5:14a, 15a

Yesu n'abuna Ggaliraaya yonna, ng'abayigiririza mu makuŋŋaaniro gaabwe, era ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka, era ng'awonya endwadde zonna n'obunafu bwonna mu bantu. —Matayo 4:23

Abajja okumuwulira n'okuwonyezebwa endwadde zaabwe; n'abaali babonyaabonyezebwa dayimooni ne bawonyezebwa. N'ekibiina kyonna ne kisala amagezi okumukomako obukomi: kubanga amaanyi gaavanga mu ye ne gabawonya bonna. —Lukka 6:17b-19

Matayo 14:36

Ne bamwegayirira bakomeko bukomi ku lukugiro lw'ekyambalo kye; bonna abaakomako ne bawonyezebwa ddala.

Matayo 15:30

Ebibiina bingi ne bijja gy'ali, nga birina abawenyera, n'abazibe b'amaaso, ne bakasiru, n'abalema, n'abalala bangi, ne babassa awali ebigere bye; n'abawonya.

Matayo 17:18
Yesu n'amuboggolera; dayimooni n'amuvaako: omulenzi n'awona okuva mu kiseera ekyo.

Lukka 4:41
Ne badayimooni ne babavaako bangi, ne bakaaba nga bagamba nti Ggwe oli Mwana wa Katonda. N'ababoggolera, n'atabaganya kwogera, kubanga baamanya nga ye Kristo.

Matayo 8:28-32a
Naye bwe yatuuka emitala w'eri mu nsi y'Abagadaleni, ne bamusisinkana abantu babiri abaaliko dayimooni, nga bava mu ntaana, bakambwe nnyo, nga tewali na muntu ayinza okuyita mu kkubo eryo. Laba, ne boogerera waggulu ne bagamba nti otuvunaana ki, Omwana wa Katonda? ozze wano kutubonyaabonya ng'entuuko zaffe tezinnaba kutuuka? Waaliwo walako ne we baali ekisibo ky'embizzi nnyingi nga zirya. Dayimooni ne gimwegayirira ne gigamba nti Bw'onootugoba, tusindike mu kisibo ky'embizzi. N'agigamba nti Mugende.

Matayo 12:22
Awo ne bamuleetera omuntu aliko dayimooni, ng'azibye amaaso n'omumwa: n'amuwonya, oyo eyali azibye omumwa n'ayogera era n'alaba.

N'asembera n'akoma ku lunnyo: bali abaali beetisse ne bayimirira. N'agamba nti Omulenzi, nkugamba nti Golokoka. Oyo eyali afudde n'agolokoka, n'atuula n'atanula okwogera. N'amuwa nnyina. —Lukka 7:14, 15

Yokaana 11:23-25 ne 43, 44

Yesu n'amugamba nti Mwannyoko ajja kuzuukira. Maliza n'amugamba nti Mmanyi nti alizuukirira ku kuzuukira kw'olunaku olw'enkomerero. Yesu n'amugamba nti Nze kuzuukira, n'obulamu: akkiriza nze, newaakubadde ng'afudde, aliba mulamu. . . . Bwe yamala okwogera bw'ati, n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene nti Lazaalo, fuluma ojje. Eyali afudde n'afuluma, ng'azingiddwa mu mabugo amagulu n'emikono; n'ekiremba nga kisibiddwa mu maaso ge. Yesu n'abagamba nti Mumusumulule, mumuleke agende.

Lukka 8:49 ne 54, 55a

Awo yali akyayogera, ne wajja omuntu eyava mu nnyumba y'omukulu w'ekkuŋŋaaniro ng'agamba nti Muwala wo afudde; toteganya Muyigiriza. . . . Ye n'amukwata ku mukono n'ayogerera waggulu ng'agamba nti Omuwala, golokoka. Omwoyo gwe ne gukomawo n'ayimirira amangwago. N'alagira okumuwa eky'okulya.

Yokaana 5:25

Ddala ddala mbagamba nti Ekiseera kijja era weekiri kaakano abafu lwe baliwulira eddoboozi ly'Omwana wa Katonda, n'abo abaliwulira baliba balamu.

Yokaana 6:40

Kubanga Kitange ky'ayagala kye kino buli muntu yenna alaba Omwana n'amukkiriza abe n'obulamu obutaggwaawo; nange ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.

Yokaana 5:28, 29a

Temwewuunya ekyo: kubanga ekiseera kijja bonna abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi lye, ne bavaamu . . . .

Ebikolwa By'abatume 24:15

Nga nnina essuubi eri Katonda, era nabo bennyini lye basuubira, nti walibaawo okuzuukira kw'abatuukirivu era n'abatali batuukirivu.

2 Abakkolinso 4:14

Nga tumanyi ng'oyo eyazuukiza Mukama waffe Yesu, era naffe alituzuukiza wamu ne Yesu, era alitwanjulira wamu nammwe.

Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu n'eddoboozi lya malayika omukulu n'ekkondeere lya Katonda: n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira. —1 Abasessaloniika 4:16

Matayo 28:18

Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.

Abaruumi 1:20

Kubanga ebibye ebitalabika okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza.

1 Peetero 3:22

Ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, bwe yamala okugenda mu ggulu; bamalayika n'abalina obuyinza n'abaamasaza bwe baateekebwa wansi we.

Yokaana 3:31

Ava mu ggulu ye afuga byonna; ow'omu nsi aba wa mu nsi, ayogera bya mu nsi: ava mu ggulu ye afuga byonna.

Okubikkulirwa 3:7b

. . . Bw'ati bw'ayogera oyo omutukuvu, ow'amazima, alina ekisumuluzo kya Dawudi, aggulawo, so tewali muntu aliggalawo, aggalawo, so tewali muntu aggulawo.

2 Peetero 1:3b

Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye.

### *Okumanya Ebintu Byonna*

Matayo 17:27

Naye, tuleme okubeesittaza, genda ku nnyanja, osuule eddobo, onnyulule ekyennyanja ekinaasooka okubbulukuka; bw'onooyasamya akamwa kaakyo, onoolabamu esutateri: otwale eyo, ogibawe ku bwange ne ku bubwo.

Era teyeetaaga muntu yenna okutegeeza eby'abantu; kubanga ye yennyini yategeera ebyali mu bantu. —Yokaana 2:25

Ku lunaku Katonda kw'alisalira omusango gw'ebyama by'abantu, ng'enjiri yange bw'eri, ku bwa Yesu Kristo. —Abaruumi 2:16

### *Okuliisa Mu ngeri Y'ekyamagero*

### *Enkumi Ettano (5,000)*

Ne bamugamba nti Tetulina kintu wano wabula emigaati etaano, n'ebyennyanja bibiri. N'agamba nti Mubindeetere wano. N'alagira ebibiina okutuula ku muddo; n'atwala emigaati etaano n'ebyennyanja bibiri, n'atunula waggulu mu ggulu, ne yeebaza, n'amenyamu emigaati n'agiwa abayigirizwa, abayigirizwa ne bagabira ebibiina. Ne balya bonna, ne bakkuta: ne bakuŋŋaanya obukunkumuka obwasigalawo, ebibbo kkumi na bibiri ebyajjula. N'abo abaalya baali abasajja ng'enkumi ttaano, abakazi n'abaana obutabassaako. . . . —Matayo 14:17-21

### *Okutambulira Ku Mazzi*

Awo ekiro mu kisisimuka eky'okuna n'ajja gye bali, ng'atambula ku nnyanja. —Matayo 14:25

### *Okuziyiza Enkuba Obutatonnya*

Okubikkulirwa 11:6

Abo balina obuyinza okusiba eggulu, enkuba eremenga okutonnya mu nnaku ez'okutegeeza kwabwe: era balina obuyinza ku mazzi okugafuula omusaayi, era n'okubonyaabonya ensi n'ebibonyoobonyo byonna, emirundi emingi nga bwe baagala.

### *Okukakkanya Omuyaga N'ennyanja*

Matayo 8:26

N'abagamba nti Kiki ekibatiisa, abalina okukkiriza okutono? N'alyoka agolokoka, n'akoma ku mpewo n'ennyanja; n'eteeka nnyo.

### *Okuyita Mu Kisenge*

Yokaana 20:26

Oluvannyuma nga wayiseewo ennaku munaana, ate abayigirizwa be baali munda, ne Tomasi ng'ali nabo, Yesu n'ajja, enzigi nga ziggaddwawo, n'ayimirira wakati mu bo n'agamba nti Emirembe gibe mu mmwe.

### *Okunyweza Ensi Awamu*

Abakkolosaayi 1:16b, 17

Ebintu byonna byatondebwa ye, era ne ku lulwe; naye ye w'olubereberye mu byonna, era ebintu byonna bibeerawo mu ye.

Abaruumi 6:9

Bwe tumanyi nga Kristo yamala okuzuukizibwa mu bafu takyafa nate; okufa tekukyamufuga.

Naye oba nga Omwoyo gw'oyo eyazuukiza Yesu mu bafu atuula mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo Yesu mu bafu, era n'emibiri gyammwe egifa aligifuula emiramu ku bw'Omwoyo gwe atuula mu mmwe. —Abaruumi 8:11

Era Omulamu; era nnali nfudde, ... ndi mulamu emirembe n'emirembe. —Okubikkulirwa 1:18a

Zabbuli 66:1-4

Leeta eddoboozi ery'essanyu eri Katonda, ensi yonna: Yimbira waggulu ekitiibwa eky'erinnya lye: Gulumiza ettendo lye libe n'ekitiibwa. Gamba Katonda nti Emirimu gyo nga gya ntiisa! Olw'obuyinza bwo obungi abalabe bo balikujeemukira. Ensi yonna erikusinza, Erikuyimbira ggwe; Baliyimbira erinnya lyo. (Seera)

### *Amaanyi Mu Bwakabaka Bwe*

1 Abakkolinso 4:20

Kubanga obwakabaka bwa Katonda tebuli mu kigambo, wabula mu maanyi.

Okubikkulirwa 17:14a

Abo balirwana n'Omwana gw'endiga, n'Omwana gw'endiga alibawangula, kubanga ye Mukama w'abaami, era ye Kabaka wa bakabaka ....

### *Oluvannyuma Lw'obulamu Bwonna*

Nga bwe wamuwa obuyinza ku balina omubiri bonna, era bonna be wamuwa, abawe obulamu obutaggwaawo. —Yokaana 17:2

### *Ensi Yakankana Ng'afudde*

Matayo 27:50 ne 51b

Naye Yesu n'ayogerera nate waggulu n'eddoboozi ddene, n'ata omwoyo gwe. . . . ensi n'ekankana; enjazi ne zaatika.

### *Okuzukiza Obulamu Bwe Nate*

Yokaana 10:17, 18

Kitange kyava anjagala, kubanga nze mpaayo obulamu bwange, ndyoke mbutwale ate. Tewali abunziyako, naye nze nzekka mbuwaayo. Nnina obuyinza obw'okubuwaayo, era nnina obuyinza obw'okubutwala nate. Ekiragiro ekyo nakiweebwa Kitange.

### *Okumasamasa Kw'ekitiibwa Ky'omu Ggulu*

N'afuusibwa mu maaso gaabwe: amaaso ge ne gamasamasa ng'enjuba, ebyambalo bye ne bitukula ng'omusana. —Matayo 17:2

### *Okukomerawo Mu Maanyi N'ekitiibwa*

Matayo 26:64

Yesu n'amugamba nti Oyogedde: naye mbagamba nti Okusooka leero muliraba Omwana w'omuntu ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'amaanyi, ng'ajjira ku bire eby'eggulu.

### *Okusonyiwa Ebibi*

Matayo 9:6

Naye mutegeere ng'Omwana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi n'agamba oyo akoozimbye nti Yimirira, ositule ekitanda kyo, oddeyo mu nnyumba yo.

### *Okuwa Obulamu Obutagwawo*

Yokaana 10:27, 28a

Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera; nange nziwa obulamu obutaggwaawo . . . .

### *Okununula Omuntu Yenna*

Lukka 24:47

Era amawanga gonna okubuulirwanga okwenenya n'okuggibwako ebibi mu linnya lye, okusookera ku Yerusaalemi.

### *Okutukuza Emyoyo*

1 Peetero 1:2b

Mu kutukuza kw'Omwoyo, olw'okugonda n'okumansirwako omusaayi gwa Yesu Kristo.

### *Okufuula Omuntu Omuwanguzi*

2 Timoseewo 4:18a

Mukama waffe anandokolanga mu buli kikolwa ekibi, era anankuumanga okutuusa ku bwakabaka bwe obw'omu ggulu . . . .

### *Okukumiira Omuntu Mu Kukiriza*

Okukkiriza kwammwe kulemenga okubeera mu magezi g'abantu, wabula mu maanyi ga Katonda. —1 Abakkolinso 2:5

### Abafiripi 2:9, 10a

Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna; buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'eby'omu ggulu n'eby'oku nsi n'ebya wansi w'ensi.

### Yokaana 20:31

Naye buno bwawandiikibwa, mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda; era bwe mukkiriza mube n'obulamu mu linnya lye.

### Makko 9:38b, 39

Omuyigiriza, twalaba omuntu ng'agoba dayimooni mu linnya lyo; ne tumugaana, kubanga teyayita naffe. Naye Yesu n'agamba nti Temumugaananga: kubanga tewali muntu anaakolanga eky'amagero mu linnya lyange ate amangwago n'anvuma.

### Yokaana 14:13a

Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga. . . .

### Ebikolwa By'abatume 3:6, 7

Naye Peetero n'agamba nti Effeeza ne zaabu sibirina; naye kye nnina kye nkuwa: mu linnya lya Yesu Kristo Omunazaaleesi, tambula. N'amukwata ku mukono ogwa ddyo n'amuyimusa. Amangwago ebigere bye n'obukongovvule ne bifuna amaanyi.

Eyatuweesa okununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, ng'obugagga obw'ekisa kye bwe buli.
—Abaefeso 1:7

Nti Ekikompe kino y'endagaano empya mu musaayi gwange, oguyiika ku lwammwe.
—Lukka 22:20b

Nabo baamuwangula olw'omusaayi gw'Omwana gw'endiga, n'olw'ekigambo eky'okutegeeza kwabwe . . . . —Kub. 12:11a

Naye Katonda ow'emirembe, eyakomyawo okuva mu bafu omusumba w'endiga omukulu olw'omusaayi ogw'endagaano ey'olubeerera, ye Mukama waffe Yesu, abatuukirize mu buli kigambo kirungi okukolanga by'ayagala, ng'akolera mu ffe ekisiimibwa mu maaso ge, ku bwa Yesu Kristo; aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.
—Abaebbulaniya 13:20, 21

N'aŋŋamba nti Bano be baava mu kubonaabona kuli okungi, ne bayoza ebyambalo byabwe, ne babitukuza mu musaayi gw'Omwana gw'endiga. —Kub. 7:14b

Naye bwe tutambulira mu musana, nga ye bw'ali mu musana, tussa kimu fekka na fekka, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we gutunaazaako ekibi kyonna.
—1 Yokaana 1:7

Okubikkulirwa 5:12

Nga boogera n'eddoboozi ddene nti Asaanidde Omwana gw'endiga eyattibwa okuweebwa obuyinza n'obugagga n'amagezi n'amaanyi n'ettendo n'ekitiibwa n'omukisa.

Zabbuli 102:15 ne 18b

Bwe gatyo amawanga gonna galitya erinnya lya Mukama, ne bakabaka bonna ab'ensi balitya ekitiibwa kyo: . . . N'eggwanga eriritondebwa liritendereza Mukama.

Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala kwe okw'ekitalo. —1 Peetero 2:9

Muyimbe okutendereza Mukama, atuula mu Sayuuni: Mubuulire ebikolwa bye mu bantu.
—Zabbuli 9:11

Mmwe abatya Mukama, mumutenderezenga. —Zabbuli 22:23a

Abantu bakutenderezenga, ai Katonda; Abantu bonna bakutenderezenga, Ensi ereese ekyengera kyayo: Katonda, ye Katonda waffe, anaatuwanga omukisa. Katonda anaatuwanga omukisa; N'enkomerero zonna ez'ensi zinaamutyanga. —Zabbuli 67:5-7

Matayo 19:16b, 17a ne 17c-21

Mukama wange, ndikola kigambo ki ekirungi, mbeere n'obulamu obutaggwaawo? N'amugamba nti Kiki ekikumbuuzisa eky'ekigambo ekirungi? Omulungi ali Omu: naye bw'oyagala okuyingira mu bulamu, wuliranga amateeka. N'amugamba nti Galuwa? Yesu n'agamba nti Tottanga, Toyendanga, Tobbanga, Towaayirizanga, Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko: era, Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Omulenzi n'amugamba nti Ebyo byonna nabikwata: ekimpeebuuseeko ki ate? Yesu n'amugamba nti Bw'oyagala okuba eyatuukirira, genda otunde ebibyo, ogabire abaavu, oliba n'obugagga mu ggulu: olyoke ojje, ongoberere.

### *Weenenye, Okkirize, Ofune*

Makko 1:14b, 15

... Yesu n'ajja ... ng'agamba nti Ekiseera kituuse, obwakabaka kwa Katonda busembedde, mwenenye, mukkirize enjiri.

Yokaana 1:10 ne 12

Yali mu nsi, ensi yakolebwa ku bubwe, era ensi teyamutegeera. ... Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye.

Yokaana 1:17

Kubanga amateeka gaaweebwa ku bwa Musa; ekisa n'amazima byabaawo ku bwa Yesu Kristo.

Yokaana 14:6

Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze.

1 Yokaana 2:22

Omulimba ye ani wabula oyo agaana nga Yesu si ye Kristo? Oyo ye mulabe wa Kristo, agaana Kitaffe n'Omwana.

Matayo 7:13, 14

Muyingire mu mulyango omufunda: kubanga omulyango mugazi, n'ekkubo eridda mu kuzikirira ddene, n'abo abayitamu bangi. Kubanga omulyango mufunda n'ekkubo eridda mu bulamu lya kanyigo, n'abo abaliraba batono.

Yokaana 1:4

Obulamu bwali mu ye; obulamu ne buba omusana gw'abantu.

Yokaana 5:26

Kuba nga Kitange bw'alina obulamu mu ye, bw'atyo bwe yawa Omwana okuba n'obulamu mu ye.

Yokaana 6:51a

Nze mmere ennamu eyava mu ggulu: omuntu bw'alya ku mmere eno aliba mulamu emirembe n'emirembe . . . .

Abaebbulaniya 9:24-27

Kubanga Kristo teyayingira mu kifo ekitukuvu ekyakolebwa n'emikono, ekyafaanana ng'ekyo eky'amazima; naye mu ggulu mwennyini, okulabika kaakano mu maaso ga Katonda ku lwaffe: so si kwewangayo mirundi mingi; nga kabona asinga obukulu bw'ayingira mu kifo ekitukuvu buli mwaka n'omusaayi ogutali gugwe; kubanga kyandimugwanidde okubonaabonanga emirundi emingi okuva ku kutondebwa kw'ensi: naye kaakano omulundi gumu ku nkomerero y'emirembe alabise okuggyawo ekibi olw'okwewaayo yennyini. Era ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi ogumu, oluvannyuma lw'okwo musango.

### *Amaanyi Ge Okutwaala Mu Ggulu*

Ebikolwa By'abatume 4:12

So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola.

### *Amaanyi ge Okusuula Mu Ggeyeena*

Matayo 10:28

So temubatyanga abatta omubiri, naye nga tebayinza kutta bulamu: naye mumutyenga ayinza okuzikiririza obulamu n'omubiri mu Ggeyeena.

1 Timoseewo 1:15

Ekigambo kyesigwa, era ekisaanira okukkirizibwa kwonna nti Kristo Yesu yajja mu nsi okulokola abalina ebibi; mu bo nze w'olubereberye.

Abaruumi 1:16a

Kubanga enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda olw'okulokoka eri buli akkiriza....

Yokaana 4:14

Naye anywa amazzi ago nze ge ndimuwa ennyonta terimulumira ddala emirembe gyonna; naye amazzi ge ndimuwa ganaafuukanga munda mu ye ensulo y'amazzi nga gakulukuta okutuuka ku bulamu obutaggwaawo.

Abaruumi 3:24, 25a

Naye baweebwa obutuukirivu bwa buwa lwa kisa kye olw'okununulibwa okuli mu Kristo Yesu: Katonda gwe yassaawo okuba omutango, olw'okukkiriza omusaayi gwe, okulaga obutuukirivu bwe, olw'okuleka ebibi ebyakolebwanga edda....

Lukka 10:19

Laba, mbawadde obuyinza obw'okulinnyanga ku misota n'enjaba ez'obusagwa, n'amaanyi gonna ag'omulabe: so tewali kintu ekinaabakolanga obubi n'akatono.

*Katonda Tekyandimutwalidde Ekisingawo!*

Yokaana 3:16

Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo.

*Ai, Ekisa Ekyaleetera Omuntu Obulokozi. Mukama W'ebitonde Byonna Yafa Ku Lwaffe Ffenna!*

Awo Yesu n'agamba nti Kitange, basonyiwe; kubanga tebamanyi kye bakola. . . . Awo Yesu n'ayogera n'eddoboozi ddene, n'agamba nti Kitange, nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo: bwe yamala okwogera ekyo, n'awaayo obulamu. —Lukka 23:34a ne 46

*Tukitwala Nga Kyabuwa*

Okubikkulirwa 22:17

Era Omwoyo n'omugole boogera nti Jjangu. Naye awulira ayogere nti Jjangu. Naye alina ennyonta ajje: ayagala atwale amazzi ag'obulamu buwa.

*Kitaffe Ayagala Omugole Omununule Kyekimu Nga Bw'ayagala Omwana We — Tewali Kwagala Kunenne Nga Kuno!*

Nze mu bo, naawe mu nze, batuukiririre okuba obumu; ensi eteegeerenga nga ggwe wantuma, n'obaagala bo, nga bwe wanjagala nze. —Yokaana 17:23

# Weeweeyo Wenna Kaakano Eri Yesu Kristo Mukama

### *Yatula Ebibi Byo Era Weenenye*

1 Yokaana 1:9

Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu.

Ebikolwa By'abatume 3:19a

Kale mwenenye, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe . . . .

### *Kkiriza Omwana wa Katonda*

1 Yokaana 5:11, 12

Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo buli mu Mwana we. Alina Omwana alina obulamu; atalina Mwana wa Katonda talina bulamu.

Yokaana 3:36

Akkiriza Omwana alina Obulamu obutaggwaawo; naye atakkiriza Mwana, taliraba bulamu, naye obusungu bwa Katonda bubeera ku ye.

Abaruumi 6:16

Temumanyi nga gwe mwewa okuba abaddu b'okuwulira, muli baddu b'oyo gwe muwulira, oba ab'ekibi okuleeta okufa, oba ab'okuwulira okuleeta obutuukirivu?

Abaruumi 6:13a

So temuwangayo bitundu byammwe eri ekibi okubanga eby'okukoza obutali butuukirivu; naye mwewengayo eri Katonda . . . .

### *Okwagala Mu Kifo Ky'okutya*

2 Timoseewo 1:7

Kubanga Katonda teyatuwa ffe omwoyo ogw'okutya, wabula ogw'amaanyi era ogw'okwagala era ogw'okwegenderezanga.

1 Yokaana 4:18

Temuli kutya mu kwagala, naye okwagala okutuukirivu kugobera ebweru okutya, kubanga okutya kulimu okubonerezebwa; n'oyo atya tannatuukirizibwa mu kwagala.

### *Okwagala Mu Kifo Ky'okukyawa*

Omuntu bw'ayogera nti Njagala Katonda, n'akyawa muganda we, mulimba; kubanga atayagala muganda we gwe yali alabyeko, Katonda gw'atalabangako tayinza kumwagala. Era tulina ekiragiro kino ekyava gy'ali, ayagala Katonda ayagalenga ne muganda we. —1 Yokaana 4:20, 21

Abaggalatiya 5:22a

Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala . . . .

### *Okukkiriza Mu Kifo Ky'okubuusabuusa*

Abaruumi 8:35 ne 37

Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? kulaba nnaku, oba kulumwa, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwereere, oba kabi, oba kitala? . . . Naye mu ebyo byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala.

### *Okwagala Okw'amazima, Okutajulirira*

Abaebbulaniya 13:5

Mubeerenga n'empisa ey'obutaagalanga bintu; bye mulina bibamalenga: kubanga ye yennyini yagamba nti Sirikuleka n'akatono, so sirikwabulira n'akatono.

### *Emirembe Mu Kifo Ky'okulumwa*

Yokaana 14:27

Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa: si ng'ensi bw'ewa, nze bwe mbawa. Omutima gwammwe tegweraliikiriranga so tegutyanga.

Abaruumi 5:1

Kale bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza, tubeerenga n'emirembe eri Katonda ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.

### *Obuggagga Obw'amazima So Si Mululu*

Lukka 12:15

N'abagamba nti Mutunule, mwekuumenga okwegomba kwonna; kubanga obulamu bw'omuntu si by'ebintu ebingi by'aba nabyo.

Yakobo 2:5

Muwulire, baganda bange abaagalwa; Katonda teyalonda abalina obwavu bw'omu nsi okubeeranga n'obugagga obw'okukkiriza, n'okusikira obwakabaka bwe yasuubiza abamwagala?

*Obukakafu, Sikubuusabuusa*

Ebyo mbiwandiikidde mmwe, mumanye nga mulina obulamu obutaggwaawo, mmwe abakkiriza erinnya ly'Omwana wa Katonda. —1 Yokaana 5:13

### *Obulongoofu Mu Kifo Ky'okwonoona*

1 Peetero 1:22

Kubanga mumaze okwetukuza obulamu bwammwe mu kugondera amazima olw'okwagalanga abooluganda okutaliimu bunnanfuusi, mwagalanenga mu mutima n'okufuba okungi.

1 Timoseewo 1:5

Naye enkomerero y'ekiragiro kwe kwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omwoyo omulungi n'okukkiriza okutalina bukuusa.

### *Essanyu Ettukuvu Mu Kifo Ky'obunakuwavu*

Abaruumi 15:13a

Era Katonda ow'okusuubirwa abajjuze mmwe essanyu lyonna n'emirembe olw'okukkiriza . . . .

Yokanna 15:11

Ebyo mbibagambye, essanyu lyange libeerenga mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukirire.

Yokaana 16:22

Kale nammwe kaakano munakuwala: naye ndibalaba nate, n'emitima gyammwe girisanyuka, n'essanyu lyammwe tewali muntu alibaggyako.

### *Amaanyi Mu Kifo Ky'obunafu*

Abaefeso 6:10

Eky'enkomerero, mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe ne mu buyinza obw'amaanyi ge.

### *Essuubi Mu Kifo Ky'okutya*

Tito 2:13

Nga tulindirira essuubi ery'omukisa n'okulabika kw'ekitiibwa kya Katonda omukulu era Omulokozi waffe Yesu Kristo.

Abaebbulaniya 6:18, 19

Olw'ebigambo ebibiri ebitajjulukuka, Katonda by'atayinza kulimbiramu, tulyoke tubeerenga n'ekitugumya ekinywevu ffe abadduka okunnoonya ekyekwekero okunyweza essuubi eryateekebwa mu maaso gaffe; lye tulina ng'essika ery'obulamu, essuubi eritabuusibwabuusibwa era erinywevu, era eriyingira munda w'eggigi.

### *Obwesigwa Mu Kifo Ky'obukumpanya*

Nga mulina empisa zammwe mu b'amawanga ennungi, nga bwe baboogerako ng'abakola obubi, olw'ebikolwa byammwe ebirungi bye balaba balyoke bagulumize Katonda ku lunaku olw'okulabirwamu. —1 Peetero 2:12

### *Amazima Mu Kifo Ky'okulimba*

Yokaana 8:32

Era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe.

### *Obuwanguzi Mu Kifo Ky'okuwangulwa*

1 Yokaana 5:4

Kubanga buli ekyazaalibwa Katonda kiwangula ensi; era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, okukkiriza kwaffe.

Okubikkulirwa 15:2

Ne ndaba . . . abava eri ensolo n'ekifaananyi kyayo n'omuwendo gw'erinnya lyayo nga bawangudde, nga bayimiridde ku nnyanja y'endabirwamu, nga balina ennanga za Katonda.

### *Okukula Mu Kifo Ky'obutakula*

Kale tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka mu bukulu; obutateekawo mulundi gwa kubiri musingi, kwe kwenenya ebikolwa ebifu, n'okukkiriza eri Katonda. —Abbaebbulaniya 6:1

Ng'abaana abawere abaakajja bazaalibwe, mwegombenga amata ag'omwoyo agataliimu bulimba, galyoke gabakuze okutuuka ku bulokovu. —1 Peetero 2:2

Naye, bwe twogeranga amazima mu kwagalana, tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe, Kristo. —Bef. 4:15

### *Kireeta Okufaanana Kristo*

1 Yokaana 2:6

Ayogera ng'abeera mu ye kimugwanira naye yennyini okutambulanga era nga ye bwe yatambula.

***Amaanyi Mu Muntu Ow'omunda***

Abaefeso 3:16

Abawe mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda.

Nnyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi. —Abafiripi 4:13

***Tekisinziira Ku Magezi ga Muntu***

1 Abakkolinso 2:4

N'ekigambo kyange n'okubuulira kwange tebyabanga mu bigambo eby'amagezi ebisendasenda, wabula mu kutegeeza kw'Omwoyo n'amaanyi.

***Amaanyi Ag'okuwa Obujulizi***

Ebikolwa By'abatume 1:8

Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi . . . n'okutuusa ku nkomerero y'ensi.

Ebikolwa By'abatume 5:32

Naffe ffe bajulirwa b'ebigambo ebyo, era n'Omwoyo Omutukuvu, Katonda gwe yawa abamugondera.

Ebikolwa By'abatume 4:33

N'amaanyi mangi abatume ne boogeranga okutegeeza kwabwe okw'okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu. N'ekisa kingi ne kibeeranga ku bo bonna.

Yokaana 17:15

Sisaba ggwe kubaggya mu nsi, naye obakuumenga mu bubi.

Abafiripi 4:7

N'emirembe gya Katonda, egisinga okutegeerwa kwonna, ginaabakuumanga emitima gyammwe n'ebirowoozo byammwe mu Kristo Yesu.

Lukka 10:18, 19

N'abagamba nti Nnalaba Setaani ng'avudde mu ggulu okugwa ng'okumyansa. Laba, mbawadde obuyinza obw'okulinnyanga ku misota n'enjaba ez'obusagwa, n'amaanyi gonna ag'omulabe: so tewali kintu ekinaabakolanga obubi n'akatono.

Okubikkulirwa 3:10

Kubanga weekuuma ekigambo eky'okugumiikiriza kwange, era nange ndikukuuma obutayingira mu kiseera eky'okukemebwa, ekigenda okujja ku nsi zonna, okukema abo abatuula ku nsi.

Era awangula n'akwatanga ebikolwa byange okutuusa ku nkomerero, oyo ndimuwa amaanyi ku mawanga. —Kub. 2:26

Abaefeso 6:10b, 11

. . . mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe ne mu buyinza obw'amaanyi ge. Mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyinzenga okuyimirira eri enkwe za Setaani.

***Ebyaffe Nga Biyita Mu Kukkiriza, Katonda Waffe Atakoma By'ayinza Okutuukiriza***

**Matayo 21:22**

**Ne byonna byonna bye munaayagalanga nga musaba, nga mukkirizza, munaabiweebwanga.**

**1 Yokaana 5:14, 15**

**Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira: era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye.**

**Matayo 7:7, 8**

**Musabe, muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo: kubanga buli muntu asaba aweebwa; anoonya alaba; eyeeyanjula aliggulirwawo.**

**Yokaana 15:7**

**Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga.**

**Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga nze ŋŋenda eri Kitange. Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumirizibwenga mu Mwana. Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga. —Yokaana 14:12-14**

Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize nga mubiweereddwa, era mulibifuna. —Makko 11:24

Era sanyukiranga Mukama: Naye anaakuwanga omutima gwo bye gusaba. Olugendo lwo oluyiringisizenga ku Mukama; era weesigenga oyo, naye anaakituukirizanga. — Zabbuli 37:4, 5

Mukama waffe n'agamba nti Singa mulina okukkiriza okutono ng'akaweke ka kaladaali, mwandigambye omusikamiini guno nti Siguka osimbibwe mu nnyanja; era gwandibawulidde. — Lukka 17:6

Era Katonda wange anaatuukirizanga buli kye mwetaaga, ng'obugagga bwe bwe buli mu kitiibwa mu Kristo Yesu. Abafiripi 4:19

Abaagalwa, omutima bwe gutatusalira kutusinga, tuba n'obugumu eri Katonda; era buli kye tusaba akituwa, kubanga tukwata ebiragiro bye era tukola ebisiimibwa mu maaso ge. —1 Yokaana 3:21, 22

Yesu n'amugamba nti Oba ng'oyinza! byonna biyinzika eri akkiriza. —Makko 9:23

Scripture text from the Bible in Luganda © United Bible Societies Africa Regional Centre, Nairobi, Kenya. Used by permission.

---

Published in numerous languages as God supplies funds in answer to prayer. If you would like more copies for prayerful distribution, write in English. Specify which language(s) you need and how many booklets.

**World Missionary Press, PO Box 120, New Paris, IN 46553-0120 USA**

Cover photo STSci-PRC2003-11a of Helix Nebula courtesy of NASA and STSci

---

Read booklets online or by App
www.wmp-readonline.org